

# **OLUNAKU LW'ENKOMERERO**

## **اليوم الآخر - أوغندي**



جمعية الدعوة والرشاد ونوعية الحالات في الزلفي  
هاتف، 966 164234477 - فاكس: 966 164234466

# اليوم الآخر

أعده وترجمه إلى اللغة الأوغندية  
جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي  
الطبعة الأولى: ١٤٤٥ / ٨ ص.

جـ جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي ، هـ ١٤٤٥

بالزلفي ، جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات  
اليوم الآخر - أوغندي. / جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية  
الجاليات بالزلفي ؛ جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات الزلفي  
- ط. ١.. - الزلفي ، هـ ١٤٤٥

ص ٣٦؛ ١٢/١٧ سم. - (١؛ ١)

رقم الإيداع: ١٤٤٥/١٨١٠٦  
ردمك: ٩٧٨-٦٠٣-٨٣٩٩-٢٩-٣

# OLUNAKU LW'ENKOMERERO

## اليوم الآخر

Mazima mu bikolo n'ensibuko y'obukkiriza nempagi z'abwo omukaaga mw'emuli okukkiriza olunaku lw'enkomerero. Omuntu tasobola kubeera mukkiriza nga takkirizza ebyo omubaka byeyajja nabyo mukitabo kya Allah n'ebyo ebyakakata okuva mu sunna z'omubaka (SAW) kubikwata ku lunaku lw'enkomerero.

Mazima okumanya ebikwata ku lunaku lw'enkomelero n'okuyitiriza okulujjukira kikulu nnyo kulw'okulongooka kw'omutima n'okugunyweza nga gunywerera ku ddiini ya Allah.

Kuba omutima tegukakanyala nakubbinkira mu byonono okujjako ekireeta ekyo kubeera kugayaala nabutajjukira lunaku lwa nkomerero olwo n'ebizibu ebirulimu Allah byeyayogerako n'agamba mu suratu Zumara ayah 17;

﴿فَكَيْفَ تَتَّقُونَ إِنْ كَفَرُتُمْ يَوْمًا يَجْعَلُ الْوَلْدَانَ شِبَابًا﴾ [المزمول: ١٧]

"Ngeri ki gyemunamutya Allah bwemuba muwakanyizza olunaku olugenda okufuula abaana abato abakadde abameze envi".

Era Allah n'agamba mu suratu Hajj aya 1-2

﴿ يَا أَيُّهَا النَّاسُ اتَّقُوا رَبَّكُمْ إِنَّ زَلْزَلَةَ السَّاعَةِ شَيْءٌ عَظِيمٌ \* يَوْمَ تَرَوْهُمَا تَذْهَلُ كُلُّ مُرْضِعَةٍ عَمَّا أَرْضَعَتْ وَتَضَعُ كُلُّ ذَاتٍ حَمْلٌ حَمْلَهَا وَتَرَى النَّاسَ سُكَارَى وَمَا هُمْ بِسُكَارَى وَلَكِنَّ عَذَابَ اللَّهِ شَدِيدٌ ﴾ [الحج: ١٤٢]

"Abange mmwe abantu mutye omulezi wammwe mazima ekiseera ky'okukankanyizibwa kw'ensi kigenda kuba kintu kizito nnyo kinene nnyo, olunaku lwe mulijiraba kiyama nga buli ekiyonsa ky'elabidde kyekiyonsa, era buli ekiri olubuto kirizaala ekyo ekikiri munda, ogenda kulaba abantu ng'abatamidde so ng'ate baliba tebatamidde lwakunywa bitamiiza naye (lwa nsonga ya) bibonerezo bya Allah ebiruma ebyamaanyi"

## Okufa

Okufa y'enkomerero ya buli kintu ekiramu ku nsi kuno. Allah agamba mu surat Arrahuman aya 26 nti.

﴿ كُلُّ مَنْ عَلَيْهَا فَانٍ ﴾ [الرَّحْمَن: ٢٦]

"Buli kyonna ekigiriko ky'akusaanawo".

Era Allah yagamba ne nabbiwe (SAW) nti:

﴿ إِنَّكَ مَيِّتٌ وَإِنَّهُمْ مَيِّتُونَ ﴾ [الزمر: ٣٠].

"Mazima gwe oli mufu (oli waakufa) era n'abo bafu" (baakufa).

Tewali agenda kubbeera kensi kuno mirembe na mirembe mu bantu n'omu era nga bw'agamba Allah mu surat An-biya-e ayah 34 egamba nti,

﴿وَمَا جَعَلْنَا لِبَشَرٍ مِّنْ قَبْلِكَ الْخُلْدَ﴾ [الأنبياء: ٣٤]

"Era tetwakolayo muntu olubereberye Iwo nga ye wakuwangala kensi butavaako"

Kikulu nnyo okukoona ku nsonga ezimu, nga ne mu zzo mwemuli nti;

1. Mazima abantu abasinga obungi bagayaalira ensonga y'okufa, awamu n'okubeera nga nsonga nkakafu teri muntu ayinza kujibuusabuusa, nolwekyo kikakata ku buli musiraamu okuyitiriza ennyo okujijjukira n'okukwetegekera, okubeera nga yesibirira entanda mu nsi muno en'amuyamba ku nkomereroye nga nayo kw'ekubeera nga akola emirimu emirongoofu mu hadiith eyawandiikibwa Imaan Ahmad:

قال الرسول ﷺ: (( اغتنم خمساً قبل خمس ، حياتك قبل موتك ، وصحتك قبل سقمك ، وفراغك قبل شغلك ، وشبابك قبل هرمك ، وغناك قبل فدرك )) [رواية الإمام أحمد]

Agamba nabbi (SAW) nti: "Mwettanire (mwenyagire) ebintu bitaano nga ebitaano tebinnaba kubatuukako; obulamubwo nga okufa tekunnaba kkujjira, obuvubukabwo ng'obukadde tebunnakujjira, obugaggabwo nga obwatu tebunakujjira....."

Era omuntu asaana akitegeere nti omufu talina ky'agenda nakyo mu ntaanaaye mu bino ebintu byedduniya wadde akatono. Wekuumire nnyo kumirimo emirongofu egyo egigenda okufuuka ensonga y'okwesiima ku nsi ne ku nkomerero obulamu obw'olubeerera.

2. Entuuko y'omuntu temanyiddwa. Teri agimanyi okujjako Allah tewali n'omu amanyi Iwalifa oba wa walifiira kuba okwo okumanya kw'ekwese Allah yakwesignaliza.

3. Okufa bwekuba kuzze tewali asobola kukuzzaayo wadde okukulindiikirizaako wadde okukudduka. Era nga Allah bw'agamba mu suratul\_ Aaraf ayah 34 nti:

﴿ وَلِكُلٌّ أُمَّةٍ أَجَلٌ فَإِذَا جَاءَ أَجَلُهُمْ لَا يَسْتَأْخِرُونَ سَاعَةً وَلَا يَسْتَقْدِمُونَ ﴾ [الأعراف: ٣٤]

*"Nabuli muntu alina entuukoye naye bw'eba etuuse entuukoye talindiikirizibwa kaseera konna wadde okwanguyirizibwa".*

4. Omukkiriza bw'aba atuukidwako okufa, malayika w'okufa amujjira mukifananyi ekirungi era n'obuwoowo obulungi era nga ajja ne bamalayika b'okusaasira nga basanyusa omuntu oyo n'ejjana. Nga bw'agamba Allah mu suratul Fuswilat ayah 30:

﴿ إِنَّ الَّذِينَ قَالُوا رَبُّنَا اللَّهُ ثُمَّ اسْتَقَامُوا تَنَزَّلُ عَلَيْهِمُ الْمَلَائِكَةُ أَلَا  
تَخَافُوا وَلَا تَحْزُنُوا وَأَبْشِرُوا بِالْجَنَّةِ الَّتِي كُنْتُمْ تُوعَدُونَ ﴾ [فصلت: ٣٠]

*"Mazima abo abakkiriza nebagamba nti omulezi waffe ye Allah ate era oluvannyuma nebatebenkera era nebeenywereza kw'ekyo babakkira gyebali ba malayika (mubuli kiseera ky'okuya) nga babagamba nti temutya era temunakuwala musanyusibwa n'ejjana eyo gyemubadde mulagaanyisibwa".*

Wabula ate ye omukafiiri omugyemu, amujjira malayika w'okufa nga wantiisa nnyo, alina ekyenyi kiddugavu nnyo, ate nga ajja ne bamalayika b'ebibonerezo nga bamusanyusa n'ebibonerezo nga bwagamba Allah mu suratul Ani-aam ayah 93:

﴿ وَلَوْ تَرَى إِذ الظَّالِمُونَ فِي عَمَرَاتِ الْمَوْتِ وَالْمَلَائِكَةُ بَاسِطُو أَيْدِيهِمْ أَخْرِجُوا أَنفُسَكُمُ الْيَوْمَ تُبْعَذَنَ عَذَابَ الْهُوْنِ يَا كُنْتُمْ تَقُولُونَ عَلَى اللَّهِ غَيْرَ الْحَقِّ وَكُنْتُمْ عَنْ آيَاتِهِ تَسْتَكْبِرُونَ ﴾ [الأنعام: ٩٣].

"Singa omanyi era ng'olaba mu kiseera awo abaly'azamanya (abajeemu) embeera gyebabaamu nga bajjibwamu emyooyo nga ne bamalayika banjuluzza emikono gyabwe nga babagamba nti myoyo mmwe emibi mufulume mwekka namwekka mwejjeyo, olwalero mujja kusasulwa bibonerezo ebiruma nga binyomoofu ku Iw'ebyo byemubaddemu nga mwogera ku Allah ebitali bya mazima nemubeera nga amateeka ge mugekuluntalizaako".

Okufa kuno bwekjija ekituufu ky'eyoleka era ensonga n'eba nga buli muntu agiraba bulungi. Agamba Allah mu surat Mu-uminuuna aya 99 - 100

﴿ حَتَّىٰ إِذَا جَاءَ أَحَدُهُمُ الْمَوْتُ قَالَ رَبِّ ارْجِعُونِ لَعَلَّيٌ أَعْمَلُ صَالِحًا فِيمَا تَرَكْتُ كَلَّا إِنَّهَا كَلِمَةٌ هُوَ قَاتِلُهَا وَمَنْ وَرَأَهُمْ بَرَزَخٌ إِلَى يَوْمِ يُبَعَثُونَ ﴾ [المؤمنون: ١٠٠، ٩٩]

"Okutuusa Iwekkujjira omu kummwe okufa n'agamba nti ayi Katonda omulezi wange nzizaayokko oba olyawo ijenda kukola emirimo

*emirungi mwegyo gyembadde ndese nessigikola, bamalayika bamuddamu nti nedda ekyo kigambokyo oky'ogela bwogezi (ekiseera walina kinene n'okizannyiramu) n'oluvannyuma lw'obulamu obwo obw'ensi waliyo obulamu obuzibu eri abajeemu ate obwesanyu eri abatya Allah (obw'entaana) Okutuuka ku lunaku lwokuzuukizibwa".*

N'olwekyo tukimanye nti okufa bwekjija yegomba omukafiiri oba omwononefu nti singa adda ku nsi abeeko n'emirimo emirungi gy'akola naye nga okwejjusa okwo kuba tekukyagasa oluvanyuma lw'ekiseera okubeera nga kiyise.

Era nga Allah bw'agamba mu suratu shuurah aya 44 nti.

﴿وَتَرَى الظَّالِمِينَ لَمَّا رَأَوْا الْعَذَابَ يَقُولُونَ هَلْ إِلَيْنَا مَرَدٌ مِّنْ سَيِّلٍ ﴾

[الشورى: ٤٤].

"Era ojja kulaba abaly'azaamanya bwebalimala okulaba ebibonerezo nga bagamba nti abaffe wakyaliwo ekkubo ery'okudda ku nsi tukole emirimo emirungi?"

5. Era omukkiriza kimanye nti olw'okusaasira kwa Allah eri abaddube yatuwa n'atulagaanyisa nti omuntu yenna asembyayo okwogera ekigambo kya Laa ilaha illa Llahu n'alyoka afa, oyo omuntu

ayingira ejjana. Nga bwekiri mu hadiith eyawandiikibwa Abu Dawuda:

قال ﷺ: ((من كان آخر كلامه من الدنيا، لا إله إلا الله دخل الجنة))

[آخر جه أبو داود]

Agamba omubaka (SAW) nti: "*Omuntu alibeera nga ekigambokye ky'asembezzayo okwogera ng'ava mu dduniya kya \*Iaa illaha illa Llaah\* oyo agenda kuyingira ejjana*".

(Tumusaba Allah akituwe nebakadde baffe nebakyala baffe n'ezadde lyaffe).

Newankubadde oteekwa okukimanya nti ekigambo kino omunu tasobola kuky'ogra mu kiseera ekyo ekizito ennyo kityo okujjako oyo omukkiriza eyakola kulwa Allah era nga amw'awula tamugattako kintu kirala kyonna, naye oyo awangalidde mubujeemu, okusinza ebantu ebirala, obushiriku, obulogo n'ebirala, oyo yye abeera mukubonaabona nabulumi bwa kufa tayinza kukijjukira wadde okutebenkera okuky'ogra.

N'olwekyo kimanye nti kiri mu nkola y'amubaka (sunna) eri oyo yenna abeera agenze eri munnaffe aseemberedde okufa okubeera nga amujjukiza ekigambo kino, nga bweyatulagira omubaka (SAW)

bweyatugamba mu hadith eyawandiikibwa Imaam muslim:

لقول النبي ﷺ: ((لَقُنُوا مِوْتَاكُمْ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ)) [رواه مسلم: ٩١٦]

Agamba omubaka (SAW) nti: "Mujjukize abantu bammwe abasemberedde okufa ekigambo kya Laa ilaaha illa Llah.

Kinonno kimuyamba obutayoyerayogera bigambo birala bitali bya mugasa era ebitasaana singa muba mumujjukizza.

## **Entaana**

Agamba swahaba Anasi mu hadiith eyawandiikibwa Imam Bukhari ne Muslim:

Agamba Anasi nga agijja ku Nabbi (SAW) nti: yagamba (SAW) nti: "Mazima omuddu bw'ateekewba mu ntaanaye nebavaayo abantube mazima awulira emisinde gyengatto zaabwe nga bagenda, agamba nti olwonno bamujjira bamalayika babiri nebamuuzuza nebamugamba nti kiki ky'oyogera ku musajja ono? (bamulaga nabbi Muhammad (SAW), kati omukkiriza yye agamba nti mazima nkakasa nti yye muddu wa Allah era mubakawe. Agamba nti bwatyo agambibwa omufu ono nti kale tunuulira ekifo kyo eky'omumuliro, naye Katonda akuwanyisirizzamu ekifo mujana. Yagamba

nabbi wa Allah, nti omufu ono ebifo byombiriri abiraba bulungi.

Yagamba nti naye ate ye omukafiri oba omunnanfusi agamba nga abuuziddwa nti simumanyi, mbadde nange njogera bwogezi ebyo abantu byebogera, bamugambe nti; tolina ky'omanyi era tolina nakyewasoma. Bw'atyo bamukube ennyondo ey'ekyuma mu mutwe olukuba oluwlirwa (omulanga gwalwo) ebitonde byonna okujjako abantu n'amajinni.

Ate era many anti n'okudda kw'omwoyo mu mubiri gw'omuntu kiri mu bintu bya akhira eby'ekwese obwongo bw'omuntu byebutasobola kutuuka ku butuufu bwabyo nga omuntu akyali kuno ku nsi, era b'egatta abasilamu nti omuntu montaanaaye agabirirwa ebyengera singa abeera omukkiriza era nga abigwana (yabikolerera) ate era n'abonerezebwa singa abeera mujeemu nga era agwana okubonelezebwa (olw'obujeemu) bw'aba nga Allah tamusonyiye.

Nga Allah bw'agamba mu suratu Gaafir aya 46 nti:

﴿النَّارُ يُرْضِونَ عَلَيْهَا عُدُواً وَعَيْشًا وَيَوْمَ تَقُومُ السَّاعَةُ أَذْخِلُوا آلَ ﴾

﴿فِرْعَوْنَ أَشَدَّ الْعَذَابِ﴾ [غافر: ٤٦]

"omuliro boolekezebwa gyeguli buli kumakya n'akawungezi ate ku lunaku lw'okuyimirizibwa

*(ekiyaama/enkomelero) bagenda kuyingizibwa abantu ba Firi-awuna ebibonelezo eby'amaanyi".*

Era n'omubaka (SAW) n'atugamba mu hadith ya imam musilimu:

قال الرسول عليه الصلاة والسلام: (( تعوذوا بالله من عذاب

القبر )) [رواہ مسلم: ۲۸۶۷]

Agamba nabbi (SAW) nti: "*mw'ewogome eri Allah mumusabe abataase ebonerezo by'entaana*".

Okubonerezebwa mu ntaana obwongo obutuufu kino tebukiwakanya kubanga tuyina eky'okulabilako ku kwebaka mubulamu buno obwensi okutusembeza kw'ekyo, kuba ey'ebase asobola okulaba nga abonelezebwa era nawoggana n'asaba n'okuyambibwa kyokka amuli okumpi aba talina ky'alaba yadde kuwulira bulumi nga oli bw'abadde awulira, kino ky'awulira tewali njawulo wakati w'okufa n'obulamu mukyo okujjako nti montaana ebibonelezo bilumya omutima n'omubiri byombi.

Era nga bweyagamba omubaka mu hadith eyawandiikibwa Ttirmizhi:

قال الرسول ﷺ: (( إن القبر أول منزل من منازل الآخرة ، فإن نجا منه فما بعده أيسر منه، وإن لم ينج منه فما بعده أشد منه ))

[أخرجه الترمذى: ٢٢٣٠]

Agamba omubaka (SAW) nti "mazima entaana kyekifo ekisooka mu bifo byenkomerero singa omuntu awona mu yo (ebibonerezo by'ayo) olwonno ewaddirira wagenda kumuberera wangu nnyo okusingawo. Ate oyo atawona mu yo, (bibonerezo byayo), olwonno ewaddako wagenda ate kumuberera wazibu nnyo okusingawo".

Kati omusiraamu yenna asaanidde okubeera nga y'ewogoma asabe Allah amukingirize ebibonerezo by'entaana naddala nga tannaba kusaza salaamu ng'ali mu swala, era n'okwewalira ddala obwonoonefu kubanga y'ensonga enkulu esuula omuntu mu bibonerezo by'entaana n'omuliro.

By'atuumibwa bibonerezo bya ntaana kubanga abantu abasinga obungi baziikibwa naye n'abo abagudde mu nnyanja n'abokyeddwa omuliro n'abaaliriddwa ensolo bonne babonerezebwa mu bulamu obwo oba bafuna ebyengera bwebaba nga baali bakkiriza.

Era ebibonerezo by'entaana birimu ebika kati nga byetulabye (okukubibwa ennyondo y'ekyuma) n'ebirala nga okumujjuliza ekizikiza mu ntaanaye, okwalirirwa ekyaliriro ky'omumuliro, okuggulirwawo omulyango gw'omuliro, n'emirimogye okujjira nga giri mu kifaananyi ky'omusajja omubi ow'ekyenyeiekikaatuufu nga alabika bubi nnyo era nga awunya ekivundu n'atuula naye mutaanaaye.

Ebibonerezo nno by'eyongera okugenda mumaso nga tebikoma singa omuntu abeera omukafiri oba omunnanfusi. Wabula singa abeera omuntu nga muddu omukkiriza naye omwononyi, oyo by'awukana ebibonerezo okusinziira ku bw'onoonefubwe era bikyayinza ebibonerezo okukutukawo oluvanyuma lw'ekiseera.

Naye yye omukkiriza, aweebwa ebyengera mu ntaanaye, nebagimugaziyiriza era nebagijuza ekitangaala nebamuggulira omulyango gw'ejjana, era nebamwalirira mu byaaliriro byayo era n'emirimogye nebagireeta nga giringa omusajja omulungi ennyo n'abeela nga amubeesabeeesa mu ntaana ye.

## ENKOMELERO N'OBUBONERO BWAYO.

1. Allah teyatonda nsi eno nga ya kuberawo lubeerera wabula egenda kutuuka ekiseera egwewo era olunaku olwo lw'erunaku olugenda okubeera olw'enkomelero. Nga bw'agamba Allah mu surat Gafir ayah 59.

﴿إِنَّ السَّاعَةَ لَآتِيَةٌ لَا رَيْبَ فِيهَا وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يُؤْمِنُونَ﴾

[غافر: ٥٩]

"Mazima olunaku lw'enkomelelo lujja kujja telulinaamu kubuusabuusa naye abasinga obungi mu bantu tebakkiriza".

Era n'agamba mu suratu Sabai ayah 3;

﴿وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَا تَأْتِنَا السَّاعَةُ قُلْ بَلَّ وَرَبِّي لَتَأْتِنَّكُمْ﴾

[سبأ: ٣]

"Bagamba abo abakafiiri nti enkomerero tegenda kuberawo bagambe nti nedda mbalayirira Allah omulezi wange lugenda kujjira ddala olunaku olwo olw'enkomerero".

Era enkomelero eno eri kumpi nga Allah bweyagamba mu surat Qamar aya 1 engamba nti:

﴿قَالَ اللَّهُ تَعَالَى: ﴿أَقْرَبَتِ السَّاعَةُ﴾﴾ [القمر: ١]

Agamba Allah nti "Enkomelero esembedde..."

Era n'agamba Allah mu suratu An-biyyaa ayah 1-5;

﴿اقْرَبَ لِلنَّاسِ حِسَابُهُمْ وَهُمْ فِي غَفْلَةٍ مُّعْرِضُونَ﴾ [الأنبياء: ١١]

"Ekiseera ky'abantu eky'okubalibwa kituuse naye bbo bali mu mugayaalo beesuliddeyo gwa nnaggamba".

Naye okutuuka kwayo tekuli mu bintuomuntu by'asobla okugeraageranya era n'abimanyira ddala, wabula ekyo kiri ku ludda lwa Allah yekka.

Kuba ky'ateekwa okumanya nti olunaku lw'enkomelero luli mu bintu Allah byeyesigaliza okumanya ddi lweluliberawo era n'atalumanyisaako muntu yenna mubitondebye. Nga bwagamba Allah mu suratu Ahzabu ayah 63;

﴿يَسْأَلُكَ النَّاسُ عَنِ السَّاعَةِ قُلْ إِنَّمَا عِلْمُهَا عِنْدَ اللَّهِ وَمَا يُدْرِيكَ

﴿لَعَلَّ السَّاعَةَ تَكُونُ قَرِيبًا﴾ [الأحزاب: ٦٣]

"Bakubuuza abantu ebikwata ku nkocomelero (yaddi?) bagambe nti mazima okumanya okukwata ku nkocomelero ddi lw'enebaawo kuli eri Allah, naye omanyiki oba olyawo enkomelero egenda kubaawo mu bunnambiro (mangu)".

Era bw'atyo omubaka (SAW) yannyonyola obubonero bwayo era obulaga nti enaatera okutuuka, nga nemubwo mwemuli;

**Okuvaayo kwa Masiihi-Dajjaalu;** nga naye agenda kubeera kikemo kinene eri abantu, kuba Allah agenda kumusobozesa okukola omuntu byatasobola era ebyewuunyisa, olwonno akeme bangi mu bantu, kuba ajjakulagira enkuba okutonnya era etonnye, alagire ebimera okumera era bimere, azuukize abafu, n'ebirala ebitali ebyo mu bitali by'abantu ba bulijjo. Era nabbi (SAW) yamutenda n'ebitendo ebimuliko n'agamba nti wa ttulu (liiso limu) agenda kujja n'ekyefaananyiriza ejjana, wamu era n'ekyefaananyiriza omuliro, ekyefaananyiriza ejjana gw'egulibeera omuliro ate ekyo ekiriba ky'efananyiriza omuliro y'elibeera ejjana.

Era agenda kuwangaala ku nsi ennaku amakumi aana (40) naye nga olunaku olulisooka lugenda kubeera nga mwaka, ate oluliddako lwenkane omwezi, ate oluliddako lwenkane wiiki, ate ezisigadde zibeere nga enaku zaffe zino eza bulijjo. Era tewali kanyomero konna mu nsi okujjako nga ajja kukatuukamu nga ojjeeko Makka ne Madiina.

Era n'akalala mu bubonero bw'enkomelero **kw'ekukka kwa Isa mutabani wa Mariam** nga akkira kumunaara omwelu ogulibeera e Damashiq era nga ajja kukka mukiseera kya swala ya Subuhi asaale n'abantu oluvanyuma anoonye Dajjal amutte.

Era n'akabonero akalala kw'ekuvaayo kw'enjuba nga eva ebugwanjuba olwonna abantu baligiraba abataali bakkirizza naye nga okukkiriza mukiseera ekkyo kuliba tekukyagasa. N'obubonero obulala bunji obw'olunaku olw'enkomerero.

2. Enkomelero tegenda kuberawo okujjako eri abantu abasinga okubeera ababi abonoonefu, kuba Allah agenda kusooka asindike empewo ennungi esooke ejjemu emyoyo gy'abakkiriza. Bwatyo Allah bw'alyagala okusanyawo ebitonde byonna n'okufa era ebeere enkomelero y'ensi, agenda kulagira malayika efuuwe enjombe nga nayo (eringa ejjembe eddene) era abantu bwebaligiwulira bagenda kuzikirira bona(okufa) Nga Allah bw'aganba mu Suratu zumar 68

﴿ وَنُنَخَ فِي الصُّورِ فَصَعَقَ مَنْ فِي السَّمَاوَاتِ وَمَنْ فِي الْأَرْضِ إِلَّا

مَنْ شَاءَ اللَّهُ ۝ [الزمر: ٦٨]

"Era egenda kufuuyibwamu enjombe, bizikirire byonna ebiri mu ggulu omusanvu nensi okujjako ebyo Allah by'aliba ayagadde".

Ekyonno kigenda kuberawo lunaku (Iwa Juma) Iwakutano. Oluvanyuma Iw'ekyo neba malayika bona bafe, tewali alisigala ku nsi okujjako Allah ow'ekitiibwa omugulumivu.

3. Buli mubiri gw'amuntu gujja kuvunda gugweewo era ettaka ligulye okujjako akagumba akayitibwa (Ajibu-dhanab), akagumba kano kabeera wansi w'omugongo, Naye gyo emibiri gy'abannabbi ne ba (Shuhada\_u) abajulizi abo bo ettaka terirya mibiri gyabwe. Bwatyo oluvannyuma Allah agenda kutonyesa enkuba okuva muggulu emeze emibiri era gigenda kwepanga buto.

Bw'aliyagala ate okuzuukiza abantu agenda kusooka kulamusa (kuzuukiza) malayika afuuwa ejnjombe (Isirafil) olwonna afuuwe ejnjombe olufuuwa olw'okubiri olwo abantu balamuke batandike okufuluma mutanaa zabwe nga Allah bweyabatonda omulundi ogw'asooka nga bali mubigele byereere era nga teb'ambadde era nga sibakomole, Nga bwagamba Allah mu surat yasini aya 51;

﴿ وَنُخْفِي الصُّورِ فَإِذَا هُمْ مِنَ الْأَجْدَاثِ إِلَى رَبِّهِمْ يَنْسِلُونَ ﴾

[يس: ٥١]

"N'efuuyibwamu ejnjombe, oligenda okulaba nga abantu bava mutana zaabwe nga beeyunira eri omulezi waabwe".

Era agamba mu suratu Ma-ariji aya 43;

﴿يَوْمَ يَخْرُجُونَ مِنَ الْأَجْدَاثِ سِرَاعًا كَأَنَّهُمْ إِلَى نُصُبٍ يُوْفِضُونَ \* خَاسِعَةً أَبْصَارُهُمْ تَرْهَقُهُمْ ذَلِكَ الْيَوْمُ الَّذِي كَانُوا يُوعَدُونَ﴾

[المراج: ٤٤، ٤٣]

"Olunaku lwebagenda okufuluma okuva mu ntaana nga bali mubwangu nga balinga gyoli nti beyunira ekiwakanirwa mwebyo byebaasinzanga mu nsi, nga amaaso gabwe gayingiddemu obugonvu n'obukkakkamu naye ate nga gajjudde obunyomoofu, olwonno lwelunaku bulijjo lweb'aali balaganyisibwa".

Era nga n'agenda okusooka okuzuukizibwa ye w'enkomerero mu ba nabbi ne mu babaka Muhammadi (SAW) era nga bwekyakakasibwa okuva ku yye (SAW), oluvannyuma abantu batwalibwe mu mukifo ekyokubalibwamu ate kkyo kitundu kigazi ddala.

Abakaafiiri bagenda kuzuukizibwa nga batambulira kubyenyi byabwe, Yabuuzibwa omubaka (SAW) ngeriki gye bagenda okutambulira abantu kubyenyi byabwe? N'abagamba nti "abaffe tali oyo abatambuza kuno kunsi nga abatambuliza kumagulu gabwe nti era asobola okubatambuliza kuby'enyi byabwe olunaku lw'enkomerero!

Yenna ey'esamba eddini ya Allah n'okumujukira agenda kuzuukizibwa nga talaba (muzibe). Ate enjuba kw'olwo egenda kuba kumpi nnyo ku mitwe gy'ebitonde, era bw'atyomuntu agenda kutuuyana entuuyoze zimutuuke wezimutuuka buli omu okusinziira ku bibiibye bye yakola, mu bantu mulimu alibeela nga zimutuuse ku bibegabega, mubo mw'emuli bezilituuka mu ntumbwe n'ewalala.

Kyokka awamu n'ebyo, ku lunaku olwo tewalibaawo kisiikirize kyonna okujjako ekisiikirize kya Allah nga omubaka mu hadith eyawandiikwa Imaam Bukhar ne musilimu:

قال الرسول ﷺ: ((سبعة يظلهم الله - تعالى - في ظله يوم لا ظل إلا ظله: الإمام العادل ، وشابٌ نشأ في عبادة الله ، ورجلٌ قلبه معلقٌ في المساجد ، ورجلان تحابا في الله ، اجتمعوا عليه وتفرقا عليه ، ورجلٌ دعته امرأة ذات منصب وجمال فقال: إني أخاف الله ، ورجلٌ تصدق بصدقه فأخفاها حتى لا تعلم شهاله ما تنفق يمينه ، ورجلٌ ذكر الله خالياً ففاضت عيناه) [متفق عليه: ١٤٢٣ - ١٠٣١]

Agamba nabbi (SAW) nti: "Abantu ba miteeko musanvu, Allah agenda kubateeka mu kisiikirizekye olunaku lwewatalibaawo kisiikirize okujjako ekisiikilizekye; omukulembeze omwenkanya, omuvubuka eyaw'angaalira ku kusinza Katonda,

*omusajja nga omutimagwe muwanike mu mizikiti, n'abantu babiri nga baayagalana ku lwa Allah b'egatta kululwe era nebaawukana kululwe, n'omusajja eyayitibwa omukyala nannyini kitiiibwa n'obulungi (amusobyeko) naddamu nti nze ntya Allah, n'omuntu eyasaddaaka nakweka saddaakaye okutuuusa kkonoowe lw'atamanya ddyo kyawaddeyo, n'omusajja eyajjukira Allah nga yeeyawudde nga ali yekka n'akulukusa amaziga mumaasoge".*

Wabula bino teby'eyawulidde kumusajja yekka naye n'omukyala bimutwaliramu ky'enkanyi kuba n'omukyala naye abalibwa okusinziira kumirimo gye bwegiba mirungi afuna obulungi bwegiba mibi n'afuna obubi, n'olwekyo naye afuna omusajja ky'afuna mu mpera n'okubalibwa.

Ennyonta egenda kuyitirira kulunaku olwo, kyokka ekigero kya lwo; Iwenkana emyaka emitwaalo etaano (50,000). Naye ku mukkiriza lugenda kumuyitako nga lwangu ate nga alaba lumpi nga ekiseera ky'omala nga oyimirizaawo emu ku swala ettaano ez'etteeka.

Abasiraamu abakkiriza bagenda kunywa ku luzzi lwa nabbi (SAW) oluvannyuma lw'okugenda gyeluli, era oluzzi olwo (HAUDWHI) ow'ekitibwa Allah yaluwa nabbi (SAW) n'alumwawulira yekka, nga abantu

b'omulembegwe beebagenda okulunywako bokka ku lunaku lw'enkomelero.

Amazzi gaalwo meeru nnyo okusinga amata, ate nga gawooma nnyoo okusinga omubisi gw'enjuki, ate nga gawunya bulungi nyo okusinga akawoowo ka misiki, kyokka n'ebyombo by'akwo byenkanankana omuwendo gwemmunyeeny ezipi ku ggulu obungi, omuntu alirunywako olunywa yadde lumu lwokka tagenda kuddayo kufuna nnyonta emirembe n'emirembe.

Abantu bagenda kusigala mu bbaliro ekiseera kiwanvu, nga balindirira okusalawo kwa Allah n'okubalibwa kwabwe, naye bwebaliba nga bakooye okuyimirira n'okulindirira awamu n'embeera ey'obuzibu gyebalibaamu, n'okwokya kwenjuba, bagenda kunoonya ani ayinza okubawolereza eri Allah amwegayirire, Allah asobole okulamula wakati w'ebitonde n'okubibala.

Bwebatyo bagenda kugenda ewa nabbi Adam (A.S) ab'etondere olw'obutasobola, oluvanyuma bagende eri nabbi Nuuh naye atekewo okwetonda nti tajja kusobola, oluvanyuma bagende eri Ibrahim (A.S.) naye atekewo okw'etonda nti tajja kusobola, noluvanyuma bagende eri Musa (A.S.) naye atekewo okw'etonda nti tajja kusobola n'oluvanyuma bagende eri Isa naye atekewo

okw'etonda nti tajja kusobola oluvanyuma bagende eri nabbi Muhammadi (SAW) bwatyo agenda kugamba nti;" Ddala nze nannyini kino (kyemwagala), agenda kuvunnama wansi wa arushi atendeleze Allah nga ali wansi awo ku Arushi ya Allah namatendo Allah g'alimuggulirawo mukiseera ekyo, bwatyo agambibwe nti owange muhammadi situla omutwegwo amakulu vunnamulukuka era osabe ow'ebwe, era owolereze ojja kukkirizibwa okuwolereza kwo.

(Bwatyo ajja kusaba) Allah akkirize okulamula n'okubala biyimirirewo, nga ne ummah ya nnabbi Muhammadi (SAW) y'egenda okusooka okubalibwa.

Era nga n'ekigenda okusooka okubalibwa mumirimo; egenda kubeera swala bw'elisangibwa nga nnungi era nekkirizibwa olwono nemirimo emirala tegigenda kutunulwamu, ate bw'eliganibwa nemuddizibwa n'emirimo emirala gigenda kumuddizibwa.

Era omuddu agenda kubuuzibwa kubintu ebitano; ajja kubuuzibwa kubuwangaazi bwe yabumala muki, nga akola ki, era abuuuzibwe kubuvubukaabwe yabumalako atya, era abuuuzibwe kubuwangazibwe yabukolamuuki.

Ate era ekigenda okusooka okulamulwa wakati wa baddu gw'emusaayi ogw'ayiibwa.

Nokwesasuza ku lunaku olwo kugenda kubbeera mu mirimo gya muntu emirungi n'emirimo emibi, bakwate mubirungi by'omuntu basasule oyo amubanja, bwebirimuggwako ate olwo bakwate kubibi by'ababanja babisse ku abadde abanjibwa olwonno obuzibu budde ku bunnaabwo.

Era (*Siratwa*) olutindo lugenda kuteebwawo, siraatwa; kawuzi katono nnyo okusinga oluviiri ate nga kooji nnyo kasala nnyo okusinga ekitala, egenda kuteekebwa waggulu w'omuliro jahannama abantu bayite waggulu waayo, buli omu ajja kufuna obwangu obujiyitako okusinziira ku mirimogye gyeyakola, waliwo aligiyitako nga olutemya lw'eriiso, ate abalala nga empewo, ate abalala nga ensolo edduka ennyo, ate abalala nga abaavula obw'avuzi, wabula ku Siratwa eeno kuliko amalobo n'amakongolijjo, gagenda kukwata abakaafiiri gabasike gabasuule mumuliro Jahananma, bagenda kw'ecwacwana nga bwebagwa mumuliro wamu n'abo b'aliba ayagadde Allah mu bakkiriza naye nga baamujeemera mu bimu.

Wabula bbo abakaafiiri bo bakubeerela ddala mu muliro emirembe n'emirembe, ate bbo abaamujeemera mu bimu mu bakkiriza bbo Allah ajja kubabonereza ekiseera ky'aliba ayagadde oluvanyuma balijjibwaayo bayingizibwe ejjana

(Wabula wano tutegeeza abo abaamujemela naye nga simazambi agazikiriza nebafa nga tebenenyeza, nga shiriki, eddogo, obutasaala namalala amanene).

Era agenda kukkiriza Allah oyo gw'aliba ayagadde muba nabbi n'babaka n'balongoofu okubeera nga bawolereza abamu ku baliba bayingidde omuliro mw'abo abaali balina Tawuhid, Allah abeere nga abajja mu muliro.

Abo abaliba bamaze okuyita ku swiratwa nga nabo bakkiriza bagenda kuyingira jjana, bajja kusooka bayimirizibwe mu kifo ekiyitibwa (Qantwarah), kiri wakata w'ejjana n'omuliro bamale okusasuligana kubanga; tewali agenda kuyingila jjana yenna nga alina kyeyalyazaamaanya munne mpaka nga amaze kumusasula. Olwo emitima gyabwe giryoke gibeere mitukuvu buli omu eri munne.

Bwebatyo bwebaliyingira abantu b'omujjana ejjana n'abomuliro bayingire omuliro, bagenda kuleeta okufa nga kuli mu kifaananyi ky'endiga, esalibwe wakati w'ejjana n'omuliro nga abantu b'omujjana balaba n'abomumuliro nga balaba, oluvanyuma bakoowoolwe nti abange abantu b'omumuliro!, mubeereemu emirembe n'emirembe temugenda kuddamu kufa namwe ab'omujjana mubeereemu emirembe n'emirembe temugenda kuddamu kufa, singa waliyo asobola okufa olw'essanyu,

ab'omujjana bandi lifudde mu kaseera ako, ate  
singa wabaddewo asobola okufa enaku, ssaawa eyo  
ab'omumuliro bandigifudde.

## OMULIRO N'EBIBONEREZO BYA GWO

قال تعالى: ﴿فَاتَّقُوا النَّارَ الَّتِي وَقُودُهَا النَّاسُ وَالْحِجَارَةُ أُعِدَّتْ لِلْكَافِرِينَ﴾ [البقرة: ٢٤]

Allah agamba nti "Mutye omuliro ogwo nga n'enku zaagwo; bantu namayinja gw'ategekerwa abo abakafiiri".

Era mu hadith eyawandiikibwa Imam Bukhar ne musilimu.

وقال رسول الله - ﷺ - لأصحابه: ((ناركم هذه - التي يوقد ابن آدم - جزء من سبعين جزءا من حَرًّ جهنم)) قالوا: والله إن كانت لكافية، يا رسول الله ، قال: (( فإنها فضلت بتسعة وستين جزءاً، كُلُّها مثل حَرًّها )) [رواه البخاري ومسلم: ٣٢٦٥، ٢٨٤٣]

Agamba (SAW) eri baswahababe nti "omuliro gwammwe guno gw'akuma omwaanaadaamu, katundu butundu kukwokya kwa jahannama, nebamugamba nti nebwewgadibadde guno gwokka gwandibadde gumala bumazi okubonereza omuntu n'amatira owange omubaka wa Allah, nabbi n'agamba ogw'enkomelero gwasukkulumizibwa kuguno ebitundu kyenda mumukaaga naye nga gwonna gwokya ng'ogwo".

Era omuliro gulina emitendera musanvu gyewandiyise amadaala, naye gano ggo gakka wansi, nga n'amadaala gano buli limu lirina ebibonerezo ebisinga eby'alinnalyo.

Era buli ddala lirina abantu baalyo okusinziira kumirimo gyabwe. Wabula bbo abannanfuusi b'ebagenda okubeera muddaala elisembayo wansi mu muliro era nga lyerisinza ebibonerezo, era ebibonerezo by'abantu b'omumuliro by'alubeerela tebisalwako, omuntu buli lw'alisiiriira nagwawo agenda kuddizibwawo abeere nga afunira ddala ebibonerezo n'obulumi bwabyo. Allah agamba mu surat Nisai \_56.

﴿كُلَّمَا نَصِحَّتْ جُلُودُهُمْ بَدَلَنَا هُمْ جُلُودًا غَيْرَهَا لَيْذُوقُوا﴾

الْعَذَابَ ﴿النساء: ٥٦﴾

"Buli eddiba Iweririggwa kumubiri nga lisiridde tugenda kumukyusizaamu eddiba eddala, olwonno alyoke akombere ddala kubibonerezo".

Era agamba Allah musuratu Fatwir aya 36

﴿وَالَّذِينَ كَفَرُوا هُمْ نَارٌ جَهَنَّمَ لَا يُقْضَى عَلَيْهِمْ فَيَمُوتُوا وَلَا

يُخْفَفُ عَنْهُمْ مِنْ عَذَابِهَا كَذَلِكَ تَجْزِي كُلَّ كَفُورٍ﴾ [فاطر: ٣٦]

"N'abo abaaajema balina omuliro jahannam tebagenda kusalibwawo nti oba batuuke bafe

*kyokka ate nga tebagenda kukendeerezebwa ku bisonerezo by'agwo, bwetutyo bwetusasula buli muwakanyi omukafiiри".*

Era bagenda kubeeramu nga bakaligibwa ng'ensingo zabwe zisibiddwa, nga Allah bw'agamba mu suratu Ibrahim aya 49 egamba.

﴿ وَتَرَى الْجُرْمِينَ يَوْمَئِذٍ مُّقْرَنِينَ فِي الْأَصْفَادِ \* سَرَابِيلُهُمْ مِنْ ﴾

﴿ قَطِرَانٌ وَتَعْشَى وُجُوهُهُمُ النَّارُ ﴾ [ابراهيم: ٤٩-٥٠]

"Ogenda kulaba abajeemu olunaku olwo nga bakoligiddwa ku njegere, kyokka n'engoye zabwe zija kuba zikoleddwa mu muliro nga amaso gabwe n'ebyenyi by'abwe bibikiddwa omuliro (*tolina ky'olaba*)".

Kati ate n'emmere yabwe egenda kubeera zaqqumi (kibala ekikaawa enyo), nga bw'agamba Allah mu suratu Dukhan aya 43-48;

﴿ إِنَّ شَجَرَتَ الرَّزْقِّوْمَ \* طَعَامُ الْأَثِيمِ \* كَالْمُهْلَ يَغْلِي فِي الْبُطُونِ \* ﴾

﴿ كَعَلِيُ الْحَمِيمِ ﴾ [الدخان: ٤٣-٤٨]

"Mazima omuti zaqqumu, mmere y'abantu abajeemu egenda kw'eserera (*kutokotera*) mu mbuto zabwe nga ekyuma ekisanuusidwa, nga okwesera kw'olweje".

Era eky'ongera okunnyonyola obuzito bw'ebibonerezo by'omumuliro ate n'obuzito bw'ebyengera by'omujjana ye hadith eyawandikwa Imam musilim

جاء في صحيح مسلم عن النبي ﷺ ، أنه قال: ((يؤتى بأنعم أهل الدنيا ، من أهل النار ، يوم القيمة ، فيصبغ في النار صبغة ، ثم يقال: يا ابن آدم ، هل رأيت خيراً قط؟ هل مرّ بك نعيمٌ قط؟ فيقول: لا ، والله يا رب ، ويؤتى بأشد الناس بؤساً في الدنيا ، من أهل الجنة ، فيصبغ صبغة في الجنة ، فيقال له: يا ابن آدم ، هل رأيت بؤساً قطّ؟ هل مر بك شدةً قط؟ فيقول: لا ، والله يا رب ، ما مر بي بؤس قطّ ، ولا رأيت شدةً قطّ )) [رواه مسلم: ٢٨٠٧]

"Agenda kuleetebwa omuntu eyasinga okuwangaalira mu by'engera kuno ku nsi mu bantu b'omumuliro olunaku lw'enkomerero, annyikibwe mu muliro olunnyika lumu oluvannyuma bamubuuze nti: owange mutabani wa Adam! Wali olabye yo akalungi konna oba wali olabye ku byengera byonna? Agenda kugamba nti nedda, mazima Katonda wange sifuna ngako yadde akatono. Oluvannyuma baleete omuntu eyasinga okubeera mu bizibu ku nsi mu bantu b'omujjana ayingizibweyoko katono nnyo mu jjana,

*oluvannyuma bamubuuze nti, abaffe wali olabyeeyo obuzibu bwonna? Agenda kw'anukula nti nedda, ndayira Allah omulezi wange sifunangako buzibu bwonna”.*

Kino kiraga nti omukaafiiri agenda kw'erabira ebirungi byonna bye yali afunye ku nsi, ate n'omukkiriza yeerabire ebizibu byonna bye yali afunye ku nsi. Olw'okunnyikibwa kwebagenda okunnyikibwa mu muliro ne mu Jjana ebyo bagenda kubyerabira.

## **EBITENDO BY'EJJANA**

Ejjana nyumba ya mirembe ya kituibwa ey'okuberamu emirembe n'emirembe, yagitegekera Allah abaddube abalongoofu, erimu ebyengera ebitalabibwangako wadde okuwulirwako mu matu g'omuntu era omuntu by'atalowozanga nako. Allah agamba mu suratu Sajdah aya 17 nti;

﴿فَلَا تَعْلَمُ نَفْسٌ مَا أُخْرِيَ لَهُمْ مِنْ قُرْةٍ أَعْيُنٍ جَزَاءً بِمَا كَانُوا

يَعْمَلُونَ﴾ [السجدة: ١٧]

"omuntu tamanyi ebyo byeyakwekebwa mubisanyusa amaasoge ebiri mu jjana eyo egenda kubbeera mpeera ku lw'ebyo abantu byebaali bakola".

Ejjana eno amadaala gaayo gasinjana nga gagenda waggulu era nga abantu bagenda balinnya okusinziira ku mirimo gy'abwe gyebaakola abakkiriza nga bwagamba Allah mu suratu Mujadilah Aya 11:

﴿يَرْفَعُ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا مِنْكُمْ وَالَّذِينَ أُوتُوا الْعِلْمَ دَرَجَاتٍ﴾

[المجادلة: 11]

*"Asitula Allah abo abakkiriza mu mmwe n'abo abaaweebwa okumanya amadaala"*

Era mu jjana balya era nga banywa nga bwebaagala. Mu yyo mulimu emigga eg'yamazzi amawoomu, n'emigga eg'yamata agatakyuka mpooma yaago, n'emigga eg'yomubissi gw'enjuki omusengejje n'emigga eg'yomwenge oguwoomera abagunywa, wabula nga omwenge gw'abakkiriza mu Jjana tegulinga gwa bano abedduniya ogutamiiza. Agamba Allah mu Surat Swaffaat Aya 45 – 47:

﴿يُطَافُ عَلَيْهِمْ بِكَأسٍ مِنْ مَعِينٍ \* بَيْضَاءَ لَذَّةٍ لِلشَّارِينَ \* لَا

﴿فِيهَا عَوْلٌ وَلَا هُمْ عَنْهَا يُنْتَفُونَ﴾ [الصفات: 45-47]

*"Bagenda kw'etoolozebwa obwendo bwebyokunywa ebijonjo, ebyeeru nga biwooma nnyo eri ababinywa tebijja kubaamu kutawanya muntu wadde okukyusa obwongobwe"*

Era bagenda kufumbizibwa muyo abakyala abalina amaaso ag'endege (Huurul Aini).

Mu hadith eyawandikwa Imaam Bukhar.

قال ﷺ: « لو أن امرأة من أهل الجنة اطلعت إلى أهل الأرض لأضاءات ما بينهما - أي السماء والأرض - ولملائته رحيمًا » [رواوه البخاري: ٢٧٩٦].

Agamba omubaka (SAW) nti "Singa omukyala mu bakyala b'omujjana agezako neyeyolekako eri abantu b'okunsi, ekitangala ekimuvaako kyandiyakayakanyizza ebyo byonna ebiri wakati weggulu n'ensi, era byandijjudde akawoowo akamuvaako".

Era nga n'ekyengera ekisinga obunene mubyengera by'abantu bomujjana, kwekulaba ku w'ekitiibwa Allah.

Abantu b'omujjana tebagenda kufuka musulo wadde okumala eky'etaago ekinene mukabuyonjo, ng'era webatabavaamu lusu lubi, entuuyo zabwe kawowo, so nga ebyengera byabwe bino tebigenda kukutukawo bya lubeerera ate tebikendeera. Mu hadith eyawandikwa Imaam Muslim;

قال ﷺ: (( من يدخل الجنة ينعم لا يأس ، لا تبلى ثيابه ، ولا يفتى شبابه )) [رواه مسلم: ٢٨٣٦]

Agamba omubaka (SAW) nti "Omuntu aliyingira ejjana agenda kuwebwa ebyengera tagenda kuddamu kufuna buzibu, yadde obunyigo bwonna tezigenda kuyulika engoyeze era tebugenda kugwawo obuvubukabwe".

N'omugabo gw'omuntu mabantu b'omujjana alisembayo okuva mu muliro mabantu abaalina obukkiriza ajja kuyingizibwa ejjana nga nnungi okusinga edduniya eno yonna n'okujikubisaamu emirundi kkumi.

## **Ebirimu**

Okufa .....	4
Entana.....	11
Okuyimililawo kw'enkomelero .....	16
Omuliro n'ebibonelezo byagwo .....	29
Ebitendo bye Jjana .....	33